| Essomo 2 | الدرس الثاني |
|---|---|

# EBIKA BY'ENAGISI

Nagisi oba obukyafu obuyitira mu limu ku makubo abiri bulimu emiteeko nga nemugyo;

**1.** Omusulo nekyetaago ekinene.

**2.** Al-waddiyyi nga gano nago gemazzi agafuluma oluvanyuma lwomusulo gabeera meeru (era gatela okuva mu muntu naddala mwabo abakola ekikolwa ekikyamu ekya Musturbation) oba kiyite okwemazisa.

**3.** AL-MAZIYYU: Gano nago baga meeru matangaavu gajja naddala nga omuntu alowozezza kunsonga zokwegatta kw'abafumbo.

**4.** AL-MANIYYU: Amaniyyu gabo gemazzi agekyama agazaala wabula gano go si nagisi matukuvu naye kirungi kyagalibwa okubeera agoozawo bweluba luyoge nagozaamu bwegaba gakyali mabisi ate asobola ogatakulawo wegali n'olwala singa gaba gakaze (nga bweyakikolanga maama waffe Aisha)

**5.** Omusulo n'obusa obw'ebitaliibwa nyama yabyo. Songa byo ebiriibwa ennyama yabyo omusulo gwabyo n'obusa bwabyo si nagisi.

**6.** Omusaayi gwa HIZWI ne NIFASI guno gwe musaayi oguva mubukyala agwemirundi ebiri; omukyala gwetwalabye ali munsonga zabakyala eza buli mwezi, n'omukyala eyaakamala okuzaala nga tanatukula.

Ebika bye nagisi bino byonna ebinnyonnyoddwa biteekwa okunaazibwa n'okunaaza olugoye mwebiyiise n'okunaaba omubiri webigenze kuba bibalibwa mu nagisi okujjako Amaniyyu mpozzi namazhiyyu nago bwe gaba gagenze mu lugoye kimala okugamansilako obumansizi amazzi.

**Era okumu mu kulamula kwe nagisi:**

**1.** Singa omuntu afuna ekintu ekimukoonako nga takimanyi nti abaffe ekintu kino kiri mu nagisi oba nedda, tekiba kyatteeka gyali okubuuza, kubanga ensibuko yebintu byonna biyonjo sibinasigisiwavu (sibikyafu).

**2.** Singa omuntu amaliriza eswalaye oluvanyuma n'alaba ku mubirigwe oba mulugoye lwe enagisi gyataalabye nga tanassaala oba yigirabye naye neyeerabira, esswalaye ebeera ntuufu okusinziira kukisinga obutuufu mu bigambo by'abamanyi.

**3.** Omuntu yenna abeera abuliddwa ekifo ekigenzeemu enagisi mulugoye lwe oba ekirala kyonna olwo kiba kimukakaseeko okulujjamu nayoza ekigero endowooza ye kyemulaga nti kyekigenzemu enagisi, so singa tafunye ndowoozaye w'esinga kumulaga nti we wagenze enagisi, abeera ayina okulwoza lwonna.